# Waggwa Nsibirwa avuddeyo ku byenjigiriza ebiyamba eggwanga

Bya VIVIEN NAKITENDE NE EDWARD LUYIMBAAZI

OMUMYUKA owookubiri owa Katikkiro wa Buganda era omuwanika wa Buganda, Robert Waggwa Nsibirwa, akunze Bannayuganda okufaayo okusomesa abaana n'okubayigiriza ebibayamba mu bulamu basobole okutereeza ebiseera byabwe eby'omu maaso.

Minisita Nsibirwa yagambye nti, abantu bangi tebandibadde kye bali leero ssinga tebaasoma. Okusoma kukusisinkanya abantu ab'omuwendo, abalimu empeke era abeebitiibwa mu nsi, ng'oli tafaayo wa gy'ova oba gye wasomera, wabula olw'obuyigirize bwo. Asabye abayizi okunnyikiza eddiini kuba ebakuumiramu empisa naddala mu mulembe guno ogwa Social Media omuli bye bawulira ebingi ebitabagasa era n'abasaba okunywerera ku mulamwa gw'okusoma.

Yabadde ku mukolo gw'okwebaza Katonda ku Luzira SS ebirungi by'alituusizzaako, bwe lyabadde lijaguza emyaka 42 bukya litandikibwawo ng'omukolo gw'okusaba gwakulembeddwa Omulabirizi w'e Namirembe, Bp. Moses Banja.

Bp. Moses Banja yakuutidde abayizi okuwuliriza omulanga gwa Ssaabasajja Kabaka okukuuma obutonde bw'ensi yaffe Uganda nga basimba emiti, okutaliza entobazzi n'okubukuuma obutayonooneka, kubanga Katonda yabutuweesa mikono ebiri era ensi endala nnyingi ezitwegomba.

Ono yataddeko abayizi b'essomero lino abaasobye mu 30 emikono ne bayingira mu kkanisa n'abakuutira okukuuma ekigambo kya Katonda n'okukyagazisa abalala.

Omukolo gwetabiddwaako abantu ab'enjawulo okwabadde; abaasomerako mu ssomero lino, amakampuni agakolagana n'essomero, abakulu b'amasomero amalala, bannabyabufuzi okwabadde Mmeeya w'e Nakawa Paul Mugambe, Loodi Mmeeya omulonde owa Kampala, Ronald Balimwezo, omubaka omulonde owa Nakawa East Fredrick Ruhindi n'abakulembeze abalala.

Oluvannyuma waabaddewo okusonda ssente okumaliriza ekizimbe ky'emyaliiro ena ekizimbibwa, nga kino omwaliiro ogusooka gwawedde, kati banoonya ssente ezisoba mu bukadde 900 okumaliriza emyaliiro egisigadde. Baakung'aanyizza obukadde obwasobye mu 100 eza buliwo ne ze beetemye ne basaba okwongera okubadduukirira.

Akulira essomero, Peter Hormisdas Ssenyimba yagambye nti, omukolo gwabadde gwa kwebaza Katonda olw'obuwanguzi bwe batuuseeko mu myaka gino 42 n'ebyatuukiddwaako omwaka oguwedde omwabadde okuyisa obulungi abayizi ba S4 ne S6 nga baafunayo abayizi 4 abaamalayo obubonero bwonna 20 ku S6.

VIVIEN NAKITENDE



Bp. Moses Banja (ataddeko enkoofiira) ng'asala keeki n'omumyuka owookubiri owa Katikkiro wa Buganda Waggwa Nsibirwa (mu ssuuti ne gaalubindi), Balimwezo, Mugambe ne Ruhindi (ku kkono) n'abayizi ba Luzira SS.